# Gavt. egenda kukyusa ebibonerezo by'oku nguudo

Bya KIZITO MUSOKE NE SAMUEL BALAGADDE



Ssekindi (ku ddyo) ng'ayogerera mu lukung'aana ku Imperial Royale mu Kampala ku Lwokusatu. Mu katono ye Katushabe. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

## Kye bagamba



**Ibrahim Kayondo:** Gavumenti esooke etuukirize obuvunaanyizibwa bwayo ng'eteeka obupande ku nguudo obulaga emisinde ebidduka kwe birina okuddukira.



**Byron Kinene:** Okukendeeza ssente z'engassi si kye kijja okumalawo obubenje ku nguudo wabula okwongera okutendeka bonna abeeyambisa amakubo ku kye balina okukola.



**Rachael Lwanga:** Baddereeva abalina okwongera okubangulwa ku mateeka agafuga ebidduka ku nguudo omuli n'okumanya emisinde kwe balina okukoma.

MINISITULE y'Ebyenguudo n'entambula ereese ennongoosereza mu tteeka mw'eyagalira okukyusiza ebibonerezo by'oku nguudo ng'eyongera ku bungi bwa sipiidi mu bifo ebimu n'okukendeeza ku bungi bwa ssente z'engassi.

Byayogeddwa kaminsona mu minisitule y'ebyenguudo avunaanyizibwa ku mateeka g'ebidduka,Winstone Katushabe, bwe yabadde mu lukiiko mwe baasisinkanidde abakulembeze ba baddereeva, abavuga boda boda n'ebitongole byonna ebikwatibwako ku Imperial Royale Hotel mu Kampala.

Katushabe yagambye nti mu birowoozo bye baatadde mu tteeka kwe kwongera ekiseera omugoba w'ekidduka mw'alina okuweera engassi z'ebibonerezo bya kagwirawo okuva ku ssaawa 72 okutuuka ku nnaku 28. Omugoba w'ekidduka ajja kuba wa ddembe okwemulugunya ku ngassi emuweereddwa oluvannyuma lw'ennaku musanvu, kyokka talina kukikola kusukka nnaku 28.

Singa omusango gusinga omugoba w'ekidduka ng'ekiseera ky'alina okusasuliramu engassi nga kiweddeko, abeera alina okusasulayo omutemwa gw'okulemwa okusasula mu budde. Enkyukakyuka mu tteeka zireeteddwa olw'okukaaba kw'abantu okwawulirwa omwaka oguwedde, amateeka g'oku nguudo ag'ebibonerezo bya kagwirawo bwe gassibwa mu nkola.

"Etteeka liriwo kukendeeza ndiima n'okutaasa obulamu bw'abantu abakozesa oluguudo, sso si kukola ssente oba okunyigiriza abakozesa oluguudo" Katushabe bwe yagambye.

Robert Kisaakye owa minisitule y'ebyenguudo yagambye nti mu tteeka eppya, sipiidi mu bibuga baagala erinnye okuva ku 30km/h okutuuka ku sipiidi 50km/h omuntu kw'avugira buli ssaawa.

Sipiidi 30 baagala zisigale mu bifo bitono ng'okuliraana amasomero, obutale n'ebifo ebirimu abantu abangi, okuliraana eddwaaliro n'ebifo omusula abantu abangi.

Mu tteeka eribaddewo singa omuntu adduka sipiidi okusukka mu gy'alina okuvuga, asasula engassi okutuuka ku mitwalo 60. Kyokka mu nnongoosereza ze baleeta, ssente zino zaakendeezeddwa okudda ku mitwalo 20.

### OKUSIKA OMUGUWA KU ALINA OKUSASULA ENGASSI

Kyokka waabaddewo okukubaganа empawa ku muntu alina okusasula engassi, wakati wa ddereeva ne nnannyini mmotoka. Etteeka eririwo ekibonerezo likiwa mannya agali mu kaadi y'emmotoka.

Kyokka Gavumenti yakizuula ng'emmotoka nnyingi zitundibwa ku looni ne zirwawo okukyusibwa olwo ebibonerezo ne biweebwa abantu abatazza musango. Eno y'ensonga lwaki baagala ekibonerezo kiweebwe omuntu eyagula emmotoka agikozesa ne bw'abeera tannakyusa mannya.

Ssentebe w'ekibiina ekigatta abagoba ba ttakisi ekya UTOF, Rashid Ssekindi yagambye nti ennongoosereza zibakoze bulungi kuba okwemulugunya kwabwe okusinga kulowoozeddwaako.

Yawadde eky'okulabirako nti etteeka eririwo liwa ebibonerezo bya mirundi ebiri ku muntu avuga endiima ng'awamu emitwalo 20 ate ewalala emitwalo 80 wadde ng'omusango gwe gumu. Waliwo embeera gye babadde beesangamu nga babalagira kuvuga sipiidi 30 buli ssaawa kyokka ng'obupande bwa UNRA bubalagira kuvuga sipiidi 40 ku luguudo lwe lumu ne basoberwa.

Ensonga gy'alaba gye batannaba kuttaanya bulungi y'ey'okuba ng'ekibonerezo kiweebwa nnannyini mmotoka kye yagambye nti kikyamu kuba si y'abeera azzizza omusango.

Ssekindi yagambye nti aba minisitule baagala ekibonerezo kiweebwe omuntu eyagula emmotoka ne bw'abeera takyusanga kaadi amanyiddwa nga Registered Keeper ye anoonye ddereeva.

Kino yagambye si kya bwenkanya kuba ddereeva asobola okukyusa takisi buli kadde n'afuna endala ng'ekituufu ddereeva y'alina okubonerezebwa. Kyokka Gavumenti nayo egamba nti kkamera za CCTV ezigenda okugaba ebibonerezo tezijja kusobola kutegeera avuga mmotoka ng'ekyangu kwe kumanya agivunaanyizibwako kuba abeera yeewandiisa.

Ye Frank Mawejje akulira abavuzi ba boda mu ggwanga yalaze obwetaavu bw'okwongera amaanyi mu bibiina ebibagatta abagenda okuyambako okumalamu abamenyi b'amateeka. Mu May w'omwaka oguwedde, Gavumenti yatandika okuteekesa etteeka lya The Traffic and Road Safety (Express Penalty Scheme for Road Offenders), 2024 mwe baagabira ebibonerezo ebya kagwirawo.

Nga June 12, 2025, Gavumenti yayimiriza okuteekesa mu nkola etteeka okumala omwezi mulamba basooke beebuuze ku bantu bonna abakwatibwako, kuba okwemulugunya kwali kususse.

Pulezidenti Museveni yategeeza nti kkamera z'oku nguudo zaali zireeteddwa lwa byakwerinda si kukung'aanya ssente okuva ku bidduka by'oku nguudo.

Ennongoosereza zino bwe zinaaba ziwedde, zaakuweerezebwa mu kabineeti baziyise n'oluvannyuma zitwalibwe mu Palamenti. Bwe zinaaba ziwedde okuyisibwa zijja kusooka kugezesebwa mu bitundu bya Kampala n'emiriraano nga tezinnateekebwa mu nkola mu bitundu by'eggwanga ebirala.